DIKSON KULUMBA



Aba Ibra Star e Wankulukuku baaguze emijoozi gya 1,500,000/-.

# Beetegekera misinde gya Kabaka

Bya DICKSON KULUMBA

ABANTU ssekinnoomu ne kkampuni ez'enjawulo bongedde okujjumbira okugula emijoozi gy'okuddukiramu emisinde gy'amazaalibwa ga Kabaka.

Emisinde gino gya ku Ssande (April 12) nga gyakusimbulwa mu Lubiri e Mmengo ku ssaawa 12:00 ez'oku makya.

Abamu ku baaguze emijoozi kuliko, Hajati Hadijah Namyalo nga yaguze gya bukadde 15.

Dr Ronex Kisembo owa Afrika Mashariki Fest yaguze gya bukadde 2,500,000/-, Omubaka wa Kira Munisipaali omulonde, George Musisi yaguze gya 1,000,000/- ssaako amaka g'Obwapulezidenti agaaguze egy'obukadde 10.

Emijoozi gyabakwasiddwa Katikkiro wa Buganda, Charles Peter Mayiga e Mmengo.